OKUJJUKIRA ENSISINKANO EYASOOKA WAKATI WA KABAKA MUTEESA I NE FR. SIMEON LOURDEL

Okwogera kwa Ssaabasumba Dr. Cyprian Kizito Lwanga (22nd Feb. 2018)

Abagennyi baffe mwenna mbaannirizza nnyo. Mwebale okujja. Nneebaza Omukama abatuusizza mu kifo kino ekitukuvu era eky'ebyafaayo mu Bwakabaka bwa Buganda awamu n'Eddiini zaffe ezitali zimu ate naddala eyaffe ey'Ekikatoliki anti Lutikko eno mwe tuli ye "Maama wa Klezia zonna mu Uganda" (Mother of all the Churches in Uganda). Nsaba Omukama ensisinkano yaffe ey'olwaleero agiyiweko enneema ze eveemu ebibala bingi eby'omwoyo n'omubiri.

Emyaka ebiri n'emyezi egisobamu mitono, Omutukuvu Paapa Francis, nga ali mu kifo kino ekigambo kye yasooka okutubuulirira kwe kutusaba *twesabire enneema ey'obujjukize*, tuleme kwerabiranga ebyo byonna Katonda byazze ng'atukolera.

Olwaleero tuli wano ng'ensonga enkulu etuleese ya kujjukira mu ssanyu ensisinkano eyasooka wakati wa Kabaka Muteesa I ne Pere Simeon Lourdel (Mapeera), n'okwebaza Katonda olw'ebibala ebyava mu nsisinkano eyo nga n'okutuusa kati bikyavaamu.

Olunaku olwa 23 February 1879 lwali lukulu nnyo mu byafaayo bya Klezia wano mu Uganda. Kw'olwo, Mwoyo wa Katonda yafuuyirira Kabaka Muteesa Omubereberye n'akkiriza abaminsani okusenga mu nsi ye awamu n'okuyigiriza eddiini yaabwe eri abantu be. Aba kugaana ebyafaayo bya Klezia ne Uganda okutwalira awamu byandibadde birala nga sibyebyo bye tumanyi kaakati.

Ensisinkano eyo gyetujjukira olwaleero era gye tugenda okwebuulirirako tugitwala ng'ensisinkano eyasooka wakati w'Eklezia n'Obukulembeze mu ggwanga (*Church and State*) era tugiyigirako obukulu bw'enkolagana wakati w'enjuyi zombi, nga Jjajjaffe Emmanuel Kalidinaali Wamala bw'atugamba mu bubaka bwe, bwe yatuwerezza.

Ensonga y'enkolagana wakati w'Eklezia n'Obukulembeze bwe ggwanga evaayo bulungi nnyo ku lunaku lwa leero nga tujjukira okufa kwa Ssaabasumba Joseph Nakibaale Kiwanuka. Zaali ennaku z'omwezi 22 February 1966, omuwereza wa Katonda oyo n'afiira ku kasozi kano Lubaga era nga mu Lutikko muno mwagalamidde. Omukama amuwummuzze mirembe! Enjigiriza ya Ssaabasumba Kiwanuka ku nsonga eyo, naddala ebbaluwa ye "*Church and State. Guiding Principles*" gye yawandiika mu 1961 ggwe wamma n'olwaleero etulambika bulungi ku nsonga eno.

Omulamwa gwaffe gwe tugenda okwebuuliririrako gugamba nti: **“Eklezia Katolika n’Obwakabaka bwa Buganda. Tukwatire wamu mu kuweereza abantu ba Katonda”.** Kya mukisa munene nti olwaleero, mu Eklezia Katolika tukuza **‘Entebe ya Petero Omutume’.** Kano nkalaba ng’akabonera Omukama katuwadde nga twebuulirira ku mulamwa ogwo anti tewali kirala kye tukuza mu ‘Ntebe ya Petero’ wabula **obuweereza** ate nga tukimanyi bulungi nti **‘Klezia n’Obukulembeze bw’ensi ekkatala tulina limu: Buweereza.’** Nga ayogera ku buweereza obwo obutugatta, Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yagamba bwati: “Obwakabaka bulijjo bwetegefu okukolagana n’Eklezia okukulakulanya abantu baffe n’okubaluŋŋamya” (Kuggulawo Ekifo ky’e Nabulagala 24 June 2007).

Nga twebuulirira ku mulamwa gwaffe ogwo, tujja kuba n’omwogezi avudde mu Kibiina ky’Olulimi Oluganda ng’atulaga obukulu bw’olulimi mu kutumbula obugunjufu, eddiini n’obuwangwa. Twebaza Bajjajjaffe mu kukkiriza nga mu bo Pere Mapeera yali musaale nnyo, okutegeera ensonga eyo obulungi era ne baba basaale nnyo mu kulambika empandiika y’ennimi ennaansi era n’okuzeyambisa okulangirira Obwakabaka bwa Katonda.

Obwerabize kya buntu! Twetaaga okujjukizibwa. Eyo ye nneema Paapa Francis gye yatusaba twesabire: *“Ask for the grace of memory”.* Enneema eyo emirundi egisinga eyita mu bantu bannaffe awamu n’ebintu bye tulaba n’okweyambisa mu bulamu bwaffe. Eno y’ensonga lwaki Essaza ekkulu ery’e Kampala liri mu nteekateeka ey’okuteekawo “*Museum*” ng’erimu ku makubo ag’okutuyamba okujjukira ebyo Katonda byazze ng’atukolera naddala ng’agayita mu Eklezia. Era olw’obukulu bw’ensonga gye tujjukira olwaleero, ‘*Museum*’ eyo yaweereddwa erinnya erya: **“Kabaka Muteesa I Catholic Memorial Museum”** era ne kisalibwaawo nti olunaku olwo olwa 23 February lunakuzibwanga buli mwaka mu ssanyu nga twebaza Katonda olw’ebirungi byatuwa ng’ayita mu Eklezia awamu n’okwezza obuggya nga tukola ebyo ebisaanidde abaana b’Eklezia.

Mwebale okumpuliriza. Mbaagaliza omukolo omulungi.